# Mukama wannoonya era n'ongula

**( ONLY REMEMBERED. P.M. )**




2. Okwagala kwo kwe twakutoowaza
Watusaasira n'otujjirira ;
Ssanyu lingi nyo olw'obulokozi
Oli wa kitiibwa Mulokozi.
Nga osaanidde ! Nga osaanidde !
Osaanidde ! Mwana wa Katonda ;
Mutima gwange gunakutendanga
Olw'omulimu gwe wankolera.

3. Era tewali kinsanyusa nga ggwe,
Okwagala kwo kummatiza
Nkuumira w'oli nneme kukunyiza
Nzijuz'ekisa ekiva gy'oli.
Nga osaanidde ! Nga osaanidde !
Osaanidde ! Mwana wa Katonda ;
Mutima gwange gunakutendanga
Olw'omulimu gwe wankolera.